# KCCA eyagala obuwumbi 6 okwongeza abayera enguudo

TEOPISTA NAKAMYA



Hajjat Buzeki ng'ayogera mu lukiiko eggulo. Kozesa Vision Digital Experience App olabe vidiyo.

Bya TEOPISTA NAKAMYA

DAYIREKIYA wa Kampala Hajati Sharifah Buzeki agenze mu Palamenti n'asaba obuwumbi 6 mu bajeti ejja nti zaakumuyambako okulinnyisa omusaala gw'abalongoosa ekibuga okuva ku 6,000/- badde ku 10,000/- buli lunaku.

Buzeki eyabadde ne Minisita omubeezi owa Kampala Kabuye Kyofatogabye yannyonnyodde ababaka abatuula ku kakiiko ak'ensonga za Pulezidenti nti, KCCA erina abakozi 400 abalongoosa ekibuga nga buli omu asasulwa 6,000/- olunaku naye si bamativu.

Yagambye nti bagenda kuyingiza abakozi abalongoosa ekibuga abalala 432 kuba enguudo mu Kampala zeeyongedde. N'agamba nti, beetaaga okugula ebyuma bye banaakozesanga mu kuyonja enguudo ebinaamalawo akawumbi 1 n'obukadde 500.

Wabula omubaka Benjamin Kamukama (Ruhama East) yabuuzizza oba kino tekiigobese abakozi Kyofatogabye n'atangaaza nti, tewali agenda kufiirwa mulimu kuba n'ebyuma bye boogerako biyinza okutwala emyaka nga tebinnatuuka.

Buzeki era yagambye nti beetaaga obuwumbi 65 okugula ebitaala by'oku nguudo 42,000.

Obuwumbi 950 n'obukadde 974 obwaweereddwa mu bajeti y'omwaka ogujja, yagambye nti ntono nnyo n'asaba bongerwe obuwumbi 200.